

OMUKADDE IBULAYIMU



Ekitabo ky'Olubereberye nate, essuula eya 22, okutandikira ku lunyiriri olw'e 15, era kati tusuubira okwogera okumala eddakiika ntonotono oluvannyuma tutandike olukunŋaana. Olubereberye 22, okutandikira ku lunyiriri olw'e 15.

Ne malayika wa MUKAMA n'ayita Ibulayimu omulundi ogw'okubiri ng'ayima mu ggulu,

N'ayogera nti, Nneerayidde nzekka, bw'ayogera MUKAMA kubanga okoze bw'oty, n'otonnyima mwana wo, omwana wo omu:

Okukuwa omukisa naakuwanga omukisa, n'okwongerera naakwongerangako ezzadde lyo ng'emmunyeenye ez'omu ggulu, era ng'omusenyu oguli ku ttale ly'ennyanya; era ezzadde lyo balirya emiryango gy'omulabe waabwe;

Era mu zzadde lyo amawanga gonna ag'omu nsi mwe galiweerwa omukisa; kubanga owulidde eddoboosi lyange.

² Nga kisuubizo eky'amaanyi, olw'obuwulize! Obuwulize Katonda bw'ayagala. Lumu kyagambibwa nti, "Okugonda kusinga ssaddaaka." Okugondera Mukama kusinga ssaddaaka yonna gy'oyinza okuwaayo.

³ Kaakano twolekedde okuyingira mu ky'okuyigako eky'amaanyi, akawungeezi kano, *Omukadde Ibulayimu*, eyayitibwa "kitaawe w'Okukkiriza," kubanga Katonda yamuwa ekisuubizo nti y'alisikira ensi, wamu n'ezzadde lye. Era okuyita mu Ibulayimu, naffe bwe tufiira mu Kristo, tufuuka Ezzadde lya Ibulayimu era abasika awamu Naye okusinziira ku kisuubizo.

⁴ Kati, Ibulayimu yali muntu buntu owa bulijjo, teyalina kya njawulo. Okusinziira ku buwandiike bwe tulina, butulaga nti Katonda yamuyita, ku myaka nsanvu mu etaano. Mukyala we, era nga yali mwannyina mu kitaawe naye nga baawula maama, nga ye wa myaka nkaaga mu etaano mu kiseera ekyo, oba oli awo baabeeranga bonna okuviira ddala nga bakyali bato nnyo. Naye yali mugumba, nga talina baana. Katonda yamulagira okweyawulira ddala, okweyawula ku bantu abalala bonna ab'omu nsi, n'okweyawula ku bantu be, ne ku b'ekika kye bonna. Waaliwo ekintu eky'enjawulo kye yalina okukola.

⁵ Era Katonda bw'abaako ekintu eky'enjawulo ky'ayagala okole, Akulagira weeyawulire ddala ku kubuusabuusa okw'engeri yonna. Oteekwa okumugondera ddala mu bujjuvu, n'ogondera ky'Agamba. Katonda ekyo ky'akwagaza. Toyinza kukikola mu ngeri ndala yonna. Era, kati, lubeerera Ateekawo

eky'okulabirako, era ekyo kye kyali eky'okulabirako Kye, eky'okweyawulira ddala ku b'ennyumba ye bonna, n'ab'ekika kye, n'abalala bonna, okusobola okutambulira mu bulamu obweweereddeyo ddala eri Katonda.

⁶ Emyaka ne gyetooloola, nga tewali kibaawo, naye era Ibulayimu n'aguma. Teyaggwaamu maanyi. "Teyasagaasagana kuva ku bisuubizo bya Katonda mu butakkiriza, wabula yali munywevu, nga atendereza Katonda."

⁷ Buli mwaka, ogwayitangawo, wateekwa okuba wajjanga abasekerezi ne bamubuuza nti, "Ssebo Ibulayimu, kitaawe w'amawanga, kati abaana oweza bameka?" Ekyo tekyamuleetera kusagaasagana. Teyalina mwana n'omu, ate nga Saala yali akaddiye, nga takyasobola kuzaala, kwe kugamba nti, nga takyagenda na mu nsonga za bakyala, naye era Ibulayimu yasigala akyakkiriza Katonda. Yeeteekateekera omwana, kubanga yali akimanyi era nga taliimu kakunkuna konna nti Katonda tayinza kukola kisuubizo ky'atasobola kutuukiriza.

⁸ Ezzadde lye nalyo lisaanye okuba n'endowooza y'emu eyo. Ne bwe kirabika kitya nga ekitali kya nnamaddala, ne bwe kirabika kitya nga ekitali kya bulijjo, naye Katonda tayinza kukola kisuubizo ky'Atasobola kutuukiriza. Ne leero tukkiriza ekintu kye kimu. Buli Nsigo ya Ibulayimu yonna ekkiriza ekintu kye kimu. K'abeere mu mbeera efaanana etya, ka tufune amagezi amangi okwenkana wa, ka wabeewo ebintu ebiyitirivu okwenkana wa, ka kirabike kitya nga ekitali kya bulijjo eri entegeera y'omuntu, manya, ka kirabike kitya nga eky'obusiru, eri entegeera y'omuntu, tekirina kye kikyusa yadde n'akatono. Katonda bw'aba yakyogera, bwe kityo bwe kiri. Era Ezzadde lya Ibulayimu batebenkerera ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ekyo kyokka kimala.

⁹ Tukiraba nti, waayitawo emyaka abiri mu etaano, era nga tebannafuna baana. Naye era Katonda yasigala kyali mwesigwa okutuukiriza ekisuubizo Kye eri Ibulayimu, kubanga Ibulayimu yakkiriza Katonda. Omulenzi omuto kyaddaaki yazaalibwa, omuto Isaaka.

¹⁰ Kati oluvannyuma nga Omuto Isaaka azaaliddwa, tukiraba nti ate Katonda yawa Ibulayimu ekigezo kya mirundi ebiri. Yamugamba nti, "Omwana ono. . ." Nga kati, Ibulayimu yali aweza emyaka nga kikumi mu kkumi n'etaano, oba abiri. Yamugamba nti, "Njagala otwale, mutabani wo ono omu yekka, omutwale waggulu ku lusozi lwe Nnaakulaga, omuweereyo eyo, ku lusozi luno, nga ssaddaaka." Amakulu nti, azikirize obujulizi bwonna bwe yalina obulaga nti ekisuubizo kyali kya kutuukirira. Amakulu nti jjawo ebintu byonna eby'amagezi ag'obuntu.

¹¹ Ibulayimu kye yava agamba nti, "Nnamufuna nga eyava mu bafu. Era ndi mumativu ddala nti Asobola okumuzuukiza okuva

mu bafu.”

¹² Abantu abo kati ly'Ezzadde lya Ibulayimu, kubanga Yatuzuukiza okuva mu bafu. Twali twafiira mu bibi n'ebyonoono. Era Oyo Eyasobola okukyusa endowooza yange, n'akyusa ebirowoozo byange, n'akyusa obutonde bwange, n'ankyusa nzenna, Asobola okukola nga bw'Ayagala. Kyonna ky'Agamba, nzikiriza nti ge Mazima, na buli Nsigo ya Ibulayimu ekkiriza ekintu kye kimu.

¹³ Ibulayimu n'atajeemera Katonda, n'atwala omulenzi oyo omuto. Era ku makya ago, n'agamba abaddu be nti, “Mmwe mutulindire wano n'ennyumbu. Nze n'omutabani tugenda kugenda emitala tusinze, oluvannyuma nze naye tujja kukomawo.” Ha, yali agenda kukikola atya? Okuba nti yali ayambuka waggulu ku lusozi, okuggyawo obulamu bwa mutabani we, ate n'agamba nti, “Omwana, omulenzi nange tujja kukomawo.” Yali akimanyi nti waliwo ekyalina okubaawo. Naye yali tamanyi ngeri ki yennyini Katonda gy'anaakikolamu; ekyo kyali tekimukwatako. Yali amanyi kimu nti Katonda yakisuubiza.

¹⁴ Ekyo kye kyokka kye tufaayo okumanya, nti Katonda yakisuubiza! Ebya kinaabaawo kitya? Ssisobola kukugamba. Naye Katonda bw'aty o bwe yayogera! Alisindika Yesu Kristo, omulundi ogw'okubiri, Alijja mu nkula ey'omubiri. Alijja okuyitayo Ababe Ye. Walibaawo emyaka lukumi, okufuga kwa myaka lukumi ku nsi kuno, nga tuli wamu Naye, wamu n'abaanunulibwa. Ekyo kye Yasuubiza, era tulindiridde ekiseera ekyo okutuuka.

¹⁵ Yasuubiza okuwonya abalwadde, okuzuukiza abafu, okugoba emizimu. Yasuubiza okubikola. Abeera bumu jjo, leero n'emirembe gyonna. Alibikola atya? Ssimanyi. Yasuubiza okubikola! Era tukikiriza; ekyo kimala. Omuntu bw'akkiriza Katonda, akkiriza byonna by'Ayogera.

¹⁶ Era bw'aty o Ibulayimu bwe yakkiriza Katonda. Kati yalagirwa okuzikiriza obujulizi bwonna obulaga nti ekisuubizo Kye kyatuukirizibwa, naye yali mumativu nti Katonda asobola okukikola.

¹⁷ Kati, Teyakoma ku kuwa kisuubizo kino ekikulu, naye Yakiwa n'eri Ezzadde lye, nalyo. Era kubanga Ibulayimu yali mwesigwa, n'akuuma e—Ekigambo kya Katonda ekyo Katonda kye yamusuubiza, n'akimanya nti Katonda asobola okuzuukiza omwana ono. N'atalemera mwana we yennyini; wabula (Katonda) weewaawo, kyali kifaananyi kya Katonda nga awaayo Omwana We; engeri gye yeetikka enku n'alinnya waggulu ku lusozi, n'ebirala; era nga Kristo oluvannyuma bwe yeetikka omuti Gwe kwe baamuweerayo nga ssaddaaka, n'alinnya olusozi, okugenda we Yakomererewa.

¹⁸ Tukiraba nti mu kino, mu kukola kino, kyasanyusa nnyo Katonda okulaba nti Ibulayimu yamwagala okusinga buli kintu kyonna ekiri ku nsi, nga n'omwana we mw'omutwalidde. Yamwagala okusinga buli kintu kyonna omuntu kye yali asobola okwogera, oba okukola, yasigala ayagala Katonda nga akkiriza nti asobola okutuukiriza Ekigambo Kye.

¹⁹ Ezzadde lya Ibulayimu lyonna bwe batyo bwe bakkiriza Katonda. Bakkiriza Katonda. Era tukimanyi nti kyasanyusa nnyo Katonda era n'Agamba bw'ati nti, "Ezzadde lyo balirya emiryango gy'omulabe waabwe. Ezzadde lyo balirya emiryango gy'omulabe waabwe." Mujjukire, ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ezzadde lya Ibulayimu ekyo bakkiriza. Bw'oba oli Zzadde lya Ibulayimu lyennyini, okukkiriza Ibulayimu kwe yalina mu Katonda, kuli mu ggwe. Era okkiriza nti Katonda kye yayogera, Katonda akuuma ekisuubizo Kye.

²⁰ Era Yakyogera, kati mujjukire nti, Yawa Ibulayimu ekisuubizo kino nga Amaze kumugezesa. Ezzadde lya Ibulayimu balina okusooka okugezesebwa, okulaba oba nga ddala bakkiriza Ekigambo. Mujjukire nti, engeri yokka gye yasobola okukuuma ekisuubizo kya Katonda, kubanga yakkiriza ekisuubizo kya Katonda, era n'agezesebwa okulaba oba nga akikkiriza oba nedda.

²¹ Naffe ekigezo ekyo kituwebwa. Ezzadde lya Ibulayimu, leero, liwebwa ekigezo ekyo. Tunaatwala Kigambo kya Katonda, oba tunaatwala ebyo abantu kye bakyogerako? Tunaatwala kigunje ekyagunjibwa ekibiina ky'eddiini, kye tuba tukkiriza, oba tunaatwala Katonda kye yayogera? Ekigambo kya Katonda bwe kiba kituufu, tukkiriza Kigambo kya Katonda, ekirala kyonna ne bwe kigamba kiki. Tutwala ebigambo by'omuntu omulala yenna okuba obulimba, naye ekyo Katonda gabeere Amazima. Ezzadde lya Ibulayimu erya nnamaddala! Naye nga tonnafuuka Zzadde eryo lyennyini erya nnamaddala, olina okuyita mu kugezesebwa, nga ne Ibulayimu, bwe yakuyitamu. Teyasuubiza Ibulayimu yekka, naye yasubiza nti n'Ezzadde lye nabo balirya emiryango gy'abalabe baabwe. Ha, bannange!

²² Ggwe kirowoozeeko, omukadde yamatirira ddala obutasigalamu kakunkuna konna, mu kugezesebwa kwe okw'ekisuubizo ky'Ekigambo kya Katonda, nti kyali kituufu. Embeera ne bwe zaafaanana zitya, yasigala akkiriza nti Ekigambo kituufu. Ibulayimu, omukadde omukulu, teyasaagasagana mu kukkiriza, bwe yatuuka mu kiseera ekyo eky'okugezesebwa. Yakkiriza nti Katonda yali asobola okumuzuukiza okuva mu bafu. Yakikkiriza, kubanga Katonda yali yakola ekisuubizo. Era Katonda bwe yasubiza nti aliba "kitaawe w'amawanga," naye yakkiriza nti ekyo kyali kya kuba bwe kityo. Nga tamanyi na bwe kigenda kubaawo. Omwana ne

bwe yajja, oluvannyuma lw'okukkiriza, okumala emyaka abiri mu etaano, ate n'alagirwa okuzikiriza omwana oyo, yakimanya nti ekisuubizo kya Katonda kyali kituufu, era n'awaayo omwana we.

²³ Ezzadde lye, nalyo likola kye kimu! Ekisuubizo kya Katonda ye nvumbo, eri abo Ezzadde erya Ibulayimu. Ekisuubizo nvumbo, bujulizi obussiddwako omukono. Era bwe tukkiriza buli Kigambo ekyasuubizibwa, tuweebwa envumbo, okukakasa ekisuubizo. Mulabeeyo, bwe tuba nga ffe—bwe tuba nga ffe, Zzadde lya Ibulayimu, tuyita mu kigezo okukakasa oba tunakkiriza Bayibuli, oba nedda, Bayibuli kye Kigambo kya Katonda, kubanga Kyo ye Katonda, era bw'omala okuyita mu kugezesebwa, okukkiriza.

²⁴ Abamu ku bo bwe bagamba mbu, “Ennaku z'ebyamagero zaayita,” ekyo bw'okikkiriza, ekyo kiba kikontana n'Ekigambo.

²⁵ Bw'ogamba nti, “Leero, toyinza kufuna Mwoyo Mutukuvu. Tewali kintu nga ekyo. Abatume ekkumi n'ababiri bokka be baamufuna.”

²⁶ Ekigambo kigamba nti, Peetero bwe yakibuulira ku Lunaku lwa Pentekoote, yagamba nti, “Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'eri abaana bammwe, n'eri abo abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita.”

²⁷ Ekyo kyennyini kye Kitegeeza. Kiri nti, kati bw'oba weetegese okugezesebwa, okugezesebwa kwa Katonda okwa asidi, era n'ogoberera endagiriro eyo, nkukakasa, ojja kukizuula nti Katonda akuuma Ekigambo Kye, singa onaakikiriza. Ekyo kituufu. Naye oteekwa okuyita mu kugezesebwa okwo, kubanga eyo ye nvumbo; bw'onaakikiriza, awo ojja kuweebwa ekisuubizo. Kubanga y'endagiriro ya Katonda, y'engeri gye tuteekwa okukikolamu, era eyo y'engeri gye tulina okukigoberera, kukola ekyo kyennyini kye Yagamba. Kati tekiri eri balondemu bokka, naye “buli omu,” buli akkiriza, buli eyeenenya, buli akkiriza. Kiri eri ab'emirembe gyonna, eri abantu bonna, buli ayagala okukikiriza. Era okukkiriza mu Kigambo kya Katonda kukutuusa ku kisuubizo kino. Okuyita mu ekyo, era mu ekyo mwokka, mw'osobolera okufuna envumbo y'ekisuubizo.

²⁸ Era ekisuubizo kye tufuna, envumbo, kwe kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Bwe kiri. Kubanga oyo ye Katonda mu nkula ey'Omwoyo, Ekigambo Kye bwe kibeera mu ggwe, olwo n'alyoka ajja n'Ayingira. Bw'osembeza Ekigambo mu ggwe, Omwoyo Omutukuvu kye kintu kyokka ekisobola okuletera Ekigambo ekyo okuba ekiramu, olwo n'olyoka ofuna ekisuubizo eky'okulya omulyango gwa buli mulabe agezaako okukulumba. Ekyo kituufu. Katonda yakisuubiza, era bwe kityo bwe kiri.

29 Kati, jjukira nti, awo wokka, w'osobolera okukikola, awo wokka, nga omaze okugezesebwa Ekigambo.

30 Ibulayimu yagezesebwa Ekigambo. "Okkiriza, Ibulayimu, nti onaazaala omwana?"

"Weewaawo."

31 Omwana n'azaalibwa. "Kati muggyeevo. Era okyakikkiriza, Ibulayimu?"

32 "Era, nkyakikkiriza, kubanga Osobola okumuzuukiza okuva mu bafu."

33 Oluvannyuma lw'ekyo, n'Amugamba nti, "Kati, Ezzadde lyo lirirya omulyango gw'omulabe waalyo." Amiina! Oluvannyuma lw'okugezesebwa!

34 Leka twetegerere ku bamu ku zzadde lya Ibulayimu, mu zzadde ery'omubiri. Kubanga, ffe leero tuli Zzadde lye ery'omwoyo. Naye leka tulabe, okuyita mu zzadde ery'omubiri, abamu ku abo abakkiriza ekisuubizo kya Katonda ekijjuvu, era ne- . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—OmuK.]

35 Kye nnavu mmubuuzi nti, "Ye abaffe, omuwala Omukristaayo lwaki yandyagadde okulaga akagoye ke ak'omunda? Ekyo siyinja kukitegeera."

36 Wazaalibwa omulundi ogw'okubiri, n'ozaalibwa Katonda, olina obulungi obw'Omwoyo Omutukuvu okulaga ky'oli. Oli, olina embala sikaati zino eziraga akagoye ak'omunda gye zitalina, bwe kityo bwe kiri, omukazi wa Katonda yennyini, aba n'embala, asobola okusekererwa, ne bamuyita ow'enkola enkadde; naye obeera olina ekintu kye batayinza kufuna, baakisuula dda tebakyayinza kuddamu kukifuna. Ekyo bwe kiri. Obeera olina embala. Ekyo Katonda ky'anoonya, anoonya mbala. Mukiraba?

37 Naye ekisooka, bw'oba n'ekibuuzo mu birowoozo byo, tokikolera ddala. Togeza okujja mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa bw'oba n'akabuuzi mu mutima gwo. Tojja, okuggyako nga okikkiriza ddala, nga tolinaamu kakunkuna konna, mu mutima gwo, wabula nga okkiriza nti ogenda kuwonyezebwa, awo ojja kuva ku kituuti kino nga owonyezeddwa. Ekyo kituufu, mu mutima gwo bwe mutabaamu kakunkuna, n'akatono. Oteekwa okukkiriza Katonda, so si kwefuula akkiriza. Kkiririza ddala!

38 Era Ezzadde lya Ibulayimu bakikkiriza kubanga Ekigambo bwe kityo bwe kigamba, era eyo y'ensonga lwaki tukikkiriza. Si lwakuba waliwo omuntu omu akikolokota, oba kubanga waliwo eyayogera bw'atyo. Naye kubanga bw'atyo Katonda bw'agamba, ekyo kye kigafuula Amazima. Katonda bw'akyogera, kimalawo okubusabusa kwonna. Ye ky'ekigambo ekisembayo. Ye w'enkomeredde. Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, kiba kimala. Tewali kintu kirala kyonna kisobola kukiwakanya.

“Buli kigambo kya muntu bubeere obulimba, naye Ekyange gabeere Amazima.”

³⁹ Kaakati nga twetegereza ezimu ku nsigo zino, leka tulowooze. Leka tulowooze ku baana Abaebbulaniya, be nnawandiise wano, tubalowoozeeko, tulowooze ku baana Abaebbulaniya, nga bamaze okugezesebwa n’okusinza ekifaananyi. Kati, mujjukire nti, kabaka yalangirira n’agamba nti, “Oyo yenna ataavunnamire kifaananyi kino, waakusuulibwa mu kikoomi ky’omuliro.” Kati, abaana bano baali bakkiriza Ekigambo kya Katonda okuba nti kye kituufu, era nti tebalina kusinza kifaananyi kya ngeri yonna, naye bwe baatuuka ku kusalawo eggoye baagezesebwa okulaba oba ddala banaakikola.

⁴⁰ Nga, abaana abalala bonna abasigadde bwe bakkiriza ne bagenda okukisinza, ne bagondera ekiragirowo kya kabaka kye yali ayisizza. Baagoberera ndowooza y’abasinga obungi mu kiseera ekyo, eyali egamba nti baali bateekwa okukikola.

⁴¹ Era bwe baagezesebwa, okulaba oba banaasinza ebifaananyi ne bamenya Ekigambo kya Katonda, baanywerera ku Kigambo kya Katonda. Embeera ne bwe yazibuwala etya, baanywerera ku Kigambo. Era bwe baabakasuka mu kikoomi ky’omuliro, ekisuubizo kya Katonda kyatuukirira. Baalya emiryango gy’omulabe waabwe. Era waalabika Omusajja ow’okuna nga ayimiridde mu muliro, eyalina ekisumuluzo ekyamala omuliro amaanyi, ne gutabakola kabi konna okuggyako okubasumulula. Amiina.

⁴² Omusajja yenna oba omukazi yenna bw’amalirira okugezesebwa, n’ekigezo kya asidi!

⁴³ Mukiraba, baalina okugenda mu muliro. Naye ate bwe baagugendamu, baali wakati mu muliro, naye ekintu kyokka ekyabaawo, ekigezo kino eky’omuliro kyabasumulula busumuluzi, ne kiggyako e—ebisiba bye baalina ku mikono gyabwe.

⁴⁴ Emirundi mingi, Katonda atuleka, bwe twezingirira mu bintu by’ensi, ne bitusiba, Aleka ebigezo by’omuliro ne bitutuukako, tusobole okukola okusalawo. Era bwe tukola okusalawo okwo, ekintu kyokka ekigezo kye kisobola okukola, Ezzadde lya Ibulayimu ettuufu bwe lituuka mu—masanjanzira g’okusalawo, era n’akola okusalawo okw’okuweereza Katonda, ekigezo kikutula bukutuza ebibadde bitusibye ne kitufuula ba ddembe. Ssetaani ayinza okukulwaza. Ayinza okuleeta ekintu ekimu, oba ekirala. Omanyi ki oba si Katonda y’akutatde mu masanjanzira, okulaba ku—ku—kusalawo kwa ngeri ki kw’onaakola?

⁴⁵ Baalya omulyango gw’omuliro. Omuliro tegwayinza kubookya. Tebaaliko yadde omukka gw’omuliro nga gubawunyako, kubanga baakitegeera nti baali Zzadde lya Ibulayimu, bwe batyo ne bayimirira ku lwa Katonda

n'Ekigambo Kye. Baalya e—emiryango gy'omulabe, era omuliro tegwayinza kbookya, kubanga baalya emiryango.

⁴⁶ Oluvannyuma, waaliwo omusajja, nnabbi emmanga eyo, erinnya lye Danyeri. Ya . . . yagezesebwa oba nga anaaweereza Katonda omu ow'amazima, oba nedda. Era ekiseera ekyo bwe kyatuuka, okulaga oba anaaweereza Katonda omu ow'amazima, oba okusinza lubaale w'abamawanga, yagaana okukikola; n'ayerula olutimbe, n'asaba Katonda we, buli lunaku. Era olw'ekyo baamukwata, ne bamusingisa omusango mu mbuga z'amateeka, n'asuulibwa mu bunnyanya bw'empologoma. Ekibinja ky'empoologoma ezaali zirumwa enjala ne kimuwulugumirako. Kiki kye yakola? Yalya omulyango gw'omulabe we. Empologoma tezaayinza kumulya. Katonda yaweereza Empagi y'Omuliro, Malayika eyayimirira wakati we n'empologoma.

⁴⁷ Yalya omulyango gw'omulabe, kubanga yagezesebwa okulaba oba nga anaasinza Katonda omu ow'amazima, oba anaafunayo nnamungi wa bakatonda b'ab'amawanga n'asinza abo. Bw'atyo yayita ekigezo, era n'alya omulyango gw'omulabe. Empologoma tezaayinza yadde okumukomako, kubanga Katonda yali naye. Ekiisubizo kya Katonda kyasigala kituufu, kubanga yali Zzadde lya Ibulayimu erya nnamaddala.

⁴⁸ Musa, ha, omulala ow'amaanyi. Naye, yagezesebwa, okulaba ekisuubizo Katonda kye yamuwa. "Nja kubeera naawe bw'onoogendayo." Era bwe yayimirira mu maaso g'abaageegeenya ekirabo kye, Yane ne Yambere baagezaako okuyimirira bageegeenye ekintu kyennyini Musa kye yalagirwa okukola. Kyokka nga Katonda yali yayita ye, era nga akimanyi nti kino ye yali yatumbwa okukikola, era n'ayimirira awo n'akola ekyamagero nga Katonda bwe yamugamba okukikola. Naye abageegeenya nabo ne bayimirira awo, okukola ekintu kye kimu, naye ekyo Musa tekyamukanga n'akatono. Yayimirira nga mwesigwa eri Ekigambo kya Katonda, n'alya emiryango, amiina, egy'omulabe, kubanga yayimirira nga mwesigwa eri ekisuubizo kya Katonda, si nsonga ani eyagezaako okukigeegeenya.

⁴⁹ Ekyo nga kya kuyiga kikulu eri buli Mukristaayo! Bw'otunulatunula n'olaba omunnanfuusi, jjukira kimu nti aba agezaako kugeegeenya oli yennyini owa nnamaddala. Naye, ekyo kiba kitegeeza nti waliwo omutuufu. Nywerera ku Kigambo kya Katonda! Ssi nsonga kiki ekibaawo, nyweza ekisuubizo Kye. Weewaawo, Danyeri yasigala mwesigwa eri Ekigambo kya Katonda.

⁵⁰ Ne bwe baagezaako okumugeegeenya okwenkana wa, na buli kimu kyonna, yasigala mwesigwa. Era yajja lwa kigendererwa, kufulumya Isiraeri kubaggya Misiri, kubatwala mu nsi ensuubize. Era ekiseera bwe kyatuuka okuyingira ensi ensuubize, nga bavudde e Misiri, Ennyanja Enfu ne yeekiika mu kkubo. Naye n'alya emiryango gy'amazzi, emiryango ne

gibanduka ne gyeggula. A—amazzi ne geeyawulamu, Musa n'atwala Isiraeri mu ddungu, n'abatuusa ku lusozi Katonda we yamulagira okubaleeta. Amiina. Yalya emiryango gy'omulabe.

⁵¹ Kitaawe, Ibulayimu, yalina ekisuubizo ekyo, nti Ezzadde lye ery'amazima lyali lya kulya omulyango gw'omulabe. Era emiryango gy'amazzi gyali miggale, nga talina wa kuyita kusomoka, ate nga we yalina okuyita. Abaana abo yalina okubatuusa ku lusozi olwo. Bw'atyo Katonda bwe yali yamugamba. Naye ne wabaawo omulyango ogwekiika mu kkubo lye, era n'alya omulyango gw'omulabe.

⁵² Yoswa, oluvannyuma, bwe baatuuka e Kadesu-banea, eyali entebe y'ensi ey'okusala omusango mu kiseera ekyo, awo Isiraeri we baasalirwa omusanga. Tulaba Yoswa ne Kalebu, n'abalala kkumi na babiri . . . manya—manyana n'abalala kkumi. Omu okuva mu buli kika baatumibwa okugenda okuketta ensi gye baali bagenda okuweebwa.

⁵³ Naye bwe baalaba bannaggwano abo ab'amaanyi nga bayimiridde awo, ekkumi ku bo ne batya nnyo, ne bagamba nti “Tetusobola kugulya. Mulyango munene nnyo. Mmwe, mulabe be tulina okweŋŋanga.” Naye bwe baakomawo okuleeta amawulire, baaleeta mawulire mabi.

⁵⁴ Kiki ekyabaleesa amawulire amabi, nga Katonda yali yabagamba nti, “Ensi eyo Ngibawadde; yammwe”? Yakibagambira mmanga mu Misiri nti, “Ensi eno Ngibawadde, nsi nnungi, ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.”

⁵⁵ Naye bwe baalaba okusoomoozebwa okw'amaanyi, kkumi ku bo ne bakomawo ne bagamba nti, “Tetusobola kugirya.”

⁵⁶ Yali Yoswa, ye yasirisa abantu, n'abagamba nti, “Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya. Tuyinza nnyo n'okukirawo!” Kubanga lwaki? Yali atunuulidde kisuubizo. Yali Zzadde lya Ibulayimu ery'amazima. Okusoomoozebwa ka kubeere nga kwenkana wa, “Tusobola okulya omulyango, kubanga Katonda ensi yagitusuubiza.” Era n'alya omulyango.

⁵⁷ Oluvannyuma, bwe yatuusa abaana ba Isiraeri ku mugga. Ne wabaawo, mu mwezi ogwa Apuli, okubooga kw'omugga, okw'amaanyi. Omugga Yoludaani ne gukulukuta okuva waggulu mu nsozi, ne gwanjaala mu nsenyi. Ne kirabika nga ye, eyagendayo, mu kiseera ekibi ennyo, eky'omwaka. Naye, ate, yali zzadde lya Ibulayimu. Yakimanya nti yalina ekisuubizo, era yali ku mulimu gwe. Katonda n'amuwa okwolesebwa, n'amulaga engeri y'okukikolamu, n'alya emiryango gy'omugga. Emiryango bwe gyeggula, amazzi ne gaddayo waggulu mu nsozi. Yoswa ne Isiraeri ne balya emiryango gy'omulabe, ne basomoka ne bayingira mu nsi ensuubize, kubanga Katonda yabagamba okukikola. Ezzadde lya Ibulayimu lyennyini!

⁵⁸ Baganda bange ne bannyinaze, bwe yatuukayo, yasanga Yeriko yeetooloddwa bbugwe, omugulumivu gwe baali basobola

n’okuvugirako ebigaali bisatu waggulu nga bwe beetooloola. Isiraeri baali bagenda kukikola batya n’ebiso, ebyeyazike, n’ebyo bye baalonda, n’ebirala eby’engeri eyo, n’emiggo n’amayinja, baali bagenda kuyingirayo batya? Naye yali era Zzadde lya Ibulayimu. Katonda yamuwa okwolesebwa, n’amubuulira engeri y’okukikolamu, n’amugamba nti, “Mufuuwe ekkondeere.” Amiina. Ky’ekyo. “Muleekaane, mukumbe nga mwolekera ekisenge, emiryango gijja kugwa nga mulaba.” Amiina! Yali Zzadde lya Ibulayimu ery’olulyo olulangira, yali mukkiriza wa Katonda owa nnamaddala. “Emiryango gijja kugwa nga mulaba. Mmwe muleekaane buleekaanyi, mufuuwe n’ekkondeere. Kye kyokka kye mwetaaga okukola.” Era kiki ekyabaawo? Emiryango gyarindiggulwa ku ttaka, Yoswa n’awamba ekibuga.

⁵⁹ Oluvannyuma lw’ekiseera, tukiraba nti omulabe yali agenda abuna emiwabo, oluvannyuma lw’ekyo, n’ayimiriza n’enjuba n’erema okutambula. Nga bwe nnayogera ku makya ga luli ku *Ekikuuno*, yayimiriza enjuba okutuusa lwe yalya emiryango gy’omulabe we. Amiina. Yakimanya nti abalabe abo singa baddamu ne bakuŋaana, kubanga baali babunye emiwabo, nga enjuba egolooba, nga Abaamoli, n’Abamaleki, n’abalala, babunye emiwabo, nga singa baddamu ne basisinkana, ne beekuŋaanya wamu, ate ajja kusanga ekiseera ekizibu okubawangula. Era waaliwo ekintu kimu kyokka ekyali kiremesa, bwali budde, kye yava ayimiriza obudde. Amiina! Amiina! Waaliwo ekintu kimu kyokka ekyali kyagala okumulemesa ekisuubizo, yali njuba, obutonde bwennyini nga buyitawo, kye yava ayimiriza obutonde. Lwaki? Yali Zzadde lya Ibulayimu. Yakkiriza ekisuubizo kya Katonda. Yagiyimiriza, n’alya n’emiryango. Yee, ssebo.

⁶⁰ Abasajja bano ab’ekitalo, bonna baali basajja ba kitalo. Naye omanyi bwe, buli omu ku bo, bwe baatuuka ku mulyango gw’okufa, bonna baafa. Buli omu ku bo yalina okufa. Kubanga baali basajja ba kitalo, “Baaziba o—obumwa bw’empologoma, ne basimattuka omuliro, n’obwogi bw’ekitala,” n’ebirala byonna, nga bwe tugambibwa mu Abaebbulaniya 11. Era ne balya emiryango gy’omulabe, abalabe bonna okuggyako omulabe omu, nga kwe kufa. Bonna bonna okufa kwabamira.

⁶¹ Lwali lumu, ne wajja Ezzadde lya Ibulayimu ery’olulyo Olulangira, Yesu Kristo, Omwana wa Katonda; Ezzadde lya Ibulayimu, olw’okukkiriza. Si kuyita mu Isaaka, ezzadde ery’omubiri; abo baakola ekitundu kyabwe kye baalina okukola. Naye kati ne wajja Oyo ataazaalibwa kuyita mu kwegomba kwa mubiri. Ne wajja Oyo ataazaalibwa kuyita mu kwegomba kwa kwegatta wakati wa musajja na mukazi. Ne wajja Oyo eyazaalibwa embeerera. Omwana wa Katonda, Ezzadde lya Ibulayimu, nga yali Musajja wa kitalo! Abantu abalala bonna baazaalibwa nga abantu bwe bazaalibwa. Naye ono Omusajja ye yazaalibwa mbeerera. Yakola ki bwe Yajja ku nsi? Yawangula

buli mulabe Ssetaani gwe yalina. Yawangula buli kimu.

⁶² Yakola ki? Yafuluma n'awangula endwadde. Waali tewayinza kubeerawo ndwadde okumwetoolola; buli awaabeeranga obulwadde, Yabuwangulanga. Yakola ki oluvannyuma lw'okubuwangula? Yatuwa ebisumuluzo, amiina, n'agamba nti, "Buli kye mulisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu." O! Amiina! Eryo lye Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, ekisuubizo Kye. Omwoyo Omutukuvu ali mu ffe kaakano, n'ebisumuluzo, nga asibye obulwadde. Yawangula endwadde. Endwadde tezisobola kuyimirira mu Kubeerawo Kwe. Era Yagamba nti naffe Yatuwa ebisumuluzo tukole ekintu kye kimu, tuwangule endwadde. "Buli kye mulisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu."

⁶³ N'ekirala, ebikemo, Yakemebwa mu buli ngeri yonna nga naffe bwe tukemebwa. Yakola ki? Yakuwangula. Era Yatugamba atya? "Muziyize ssetaani, naye anaabaddukanga." Yatuwangulira endwadde. Yatuwangulira ebikemo, n'amenya emiryango; n'asikambula ekisumuluzo n'akijja ku mukemi, n'akikwasa omukkiriza, ow'omu Zzadde lya Ibulayimu, n'amugamba nti, "Bw'akukema, muziyize, naye anaakudduka." O, bannange! Muziyize!

⁶⁴ Yawangula byombi okufa n'amagombe. Yazuukira ku lunaku olw'okusatu, nga agamba nti, "Mpangudde. Era kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu." O, nga kisuubizo kya kitalo! Ekyo ekiri eri Ezzadde lya Ibulayimu. Yawangula amagombe, n'azuukira ku lunaku olw'okusatu, olw'okuggyibwako omusango kwaffe. Bwe Yazuukira, Ye yali okuggyibwako omusango kwaffe. Ekyo kitufuula ki? Yawangula endwadde. Yawangula okufa. Yawangula ggeyeena. Yawangula amagombe. Yawangula ekikemo. O!

⁶⁵ "Kaakano tuli bawanguzi n'okukirawo okuyita mu Oyo eyatwagala, n'awaayo obulamu Bwe ku lwaffe," nga bwe yali Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira. Nga tulina Omwoyo wa Katonda y'omu mu ffe, eyamulimu, tuli bawanguzi n'okukirawo. Buli mulyango gwatuwangulirwa. Ekintu kyokka kye tulina okukola kwe kugyezza. Gyawangulwa dda. Endwadde zaawangulwa. Okufa kwawangulwa. Ggeyeena yawangulwa. Amagombe gaawangulwa. Buli kimu kyawangulwa, era tulina ebisumuluzo, olw'ekisa Kye. Otya okubiteeka mu kkufulu, ogambe nti, "Nzija mu Linnya lya Yesu Kristo"? "Musabe Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange." Mmwagala.

⁶⁶ Oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, emyaka enkumi bbiri, Wuuno wano akyali mu makkati gaffe, Oyo omuwanguzi Ow'ekitalo eyayuzamu eggigi wakati, eyatwala buli ndwadde, buli bulwadde, byonna n'Abyetikka, n'atwala obunafu bwaffe ku musaalaba, n'endwadde zaffe n'obulwadde bwaffe, n'abiwangula, n'azuukira olw'okuggyibwako omusango kwaffe,

era ayimiridde nga mulamu oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, okweyoleka nga Yesu Kristo omulamu, mu makkati g'Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira, abasika b'ebintu byonna. O, bannange! Abo oluvannyuma, abamala okuyita ekigezo, bafuna ekisuubizo ky'Ekigambo! Bw'oba osobola okukkiriza Ekigambo, awo naawe obeera Zzadde lya Ibulayimu. Bw'otyo bw'ofuuka Ezzadde lye.

⁶⁷ Bw'olemwa okuyita ekigezo ekyo eky'Ekigambo, naye n'okibuusabuusa, n'okyekengera, nga kikukaluubiriza okukikiriza, nga waliwo ensonga emu oba endala, lwaki tosobola kukikiriza, awo ggwe totawaana kujja mu lunyiriri lwa baakusabirwa. Singa mbadde ggwe ssandyesemberezza na wolutaali, okutuusa nga ofunye ekisa ekimala okutegeera nti Ekigambo kya Katonda kituufu.

⁶⁸ Naye bw'owaguza n'oyita mu ggigi eryo ery'obutakkiriza, awo obeera okutte mu ngalo zo ebisumuluzo, by'okufa, ggeyeena, wamu n'amagombe, kubanga olina Omuwanguzi Oyo eyakuwangulira. Era obeera olina Abaebbulaniya 13:8, awatugamba nti, "Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Tuyinza tutya okukikola?

⁶⁹ Abantu leero bagamba mbu, "Ha, kale, amazima go gali nti, ddala Abeera bumu mu—mu ngeri emu, Aba bumu."

"Abeera bumu," Bayibuli bw'egamba.

"Ha, naye, Takyakola nga bwe Yakolanga."

⁷⁰ Tukiraba mu kiseera kino kyennyini, bwe tulaba Ekigambo Kye nga kikakasibwa. Kikola ki? Kikikasuka ne kizizzaayo gye bali nate. Amiina.

⁷¹ Ezzadde lya Ibulayimu lyennyini likikiriza. Likimanyi. Era Ayimiridde, akawungeezi kano, nga bwe Yasisinkana Ibulayimu engulu eri mu nnaku za Lutti n'akola ekyamagero ekyo, nga bwe Yakola nga agamba Saala kye yayogera nga ali emabega We. Yesu yasuubiza, Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira, nti Ekkanisa ejja kulaba ekintu kye kimu nga Okujja Kwe tekunnabaawo. Kye kiki? Kiteekwa okubaawo. Katonda yakisuubiza. Yesu Kristo yakikakasa n'agamba nti bwe kityo bwe kiriba, era tuutuno wano leero, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, nga tumulaba mu makkati gaffe, nga akyali Omuwanguzi ow'amaanyi! Yawangula okufa, ggeyeena, amagombe, okuwanuuzza; yatwala Ekigambo . . . ? . . . ye. Weewaawo.

⁷² Yagamba nti, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange mu mmwe, musabe kye mwagala kinaabaweebwa." Kyali kiki? Ekigambo, Kristo, Ekiri mu mutima gwo. "Bwe mubeera mu Nze, Ebigambo Byange ne bibeera mu mmwe, awo muba muwangudde buli kimu kubanga Nnabibawangulira. Singa mubeera mu Nze, singa musobola okuntegeera, singa musobola okubeera mu Nze. Oyo anzikiriza Nze, oyo ansembeza Nze; si

eyeefuula anzikiriza, naye oyo asobola okunsembeza. Oyo awulira Ebigambo Byange, ategeera Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe; era talijja mu kukemebwa, manya mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu." Wuuyo, Omuwanguzi ow'amaanyi!

⁷³ Wuuno wano leero, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Wuuno wano nga akolera mu maaso g'Ezzadde lya Ibulayimu, abaayitibwa okufuluma Babulooni, abaayitibwa okufuluma Sodoma, abaayitibwa okuva mu nsi, ne baawulibwa, nga akakasa nti ekisuubizo Kye ddala kituufu. Oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Wuuno ayimiridde mu makkati gaffe, akawungeezi kano, Omuwanguzi oyo Ow'amaanyi, Ekigambo kya Katonda Asobola okwawula ebirowoozo by'omu mutima n'okufumiitiriza kw'omutima. Kye kiki? "Ezzadde lyo lirirya emiryango gy'omulabe waalyo." Kye kiki? Ly'Ezzadde lya Ibulayimu, Ezzadde ery'olulyo Olulangira, nga bakkiriza Ekigambo. Ate Ekigambo—Ekigambo ye Katonda.

⁷⁴ Kaakati kino bwe tukiraba, tusobola okuleekaanira waggulu wamu nabo, nga omutontomi ow'edda bwe yaagamba nti:

Bwe yali omulamu, Yanjagala; bwe yafa,
n'Andokola;
Bwe yaziikibwa, n'Atwalira ddala wala ebibi
byange;
Bwe yazuukira, n'Anzigyirako ddala omusango
emirembe n'emirembe:
Lumu Alijja—o, nga luliba lunaku lwa
kitiibwa!

⁷⁵ Waliwo eyanjamba nti, "Muvubuka, ogenda okaddiwa." Ekyo sisobola kukyebeera.

⁷⁶ Mbaddewo era okuva nga ndi mulenzi muto, kye ndafubaaniddenga okutuukako kwe kulaba Okujja kwa Yesu Kristo. Nnawaayo obulamu bwange olw'ekigendererwa ekyo. Nkyali mu kituuti, nga omusajja omukadde, nga nzikiriza Emboozzi y'emu, era ekintu ekisinga obukulu kye nsobola okulowoozaako kwe kulaba Yesu Kristo nga akka okuva mu ggulu ajja okutwala Ababe Ye. Ai Katonda, awo... Y'ensonga lwaki tuyimba nti:

Mwenna mutendereze amaanyi g'Erinnya lya
Yesu!
Leka Bamalayika bavunname;
Muleete engule ey'ekitiibwa,
Mumutikkire Oyo Mukama wa byonna.

⁷⁷ Lwaki? Ye Muwanguzi ow'Amaanyi. Bw'oba oli mu Ye, oli mu Kigambo. Yagamba nti, "Bwe munaabeera mu Nze, musabe kyonna kye mwagala." "Ky'oyagala," kubanga buli mulyango gwamala dda okuwangulwa. Kye tuva tugamba nti:

Kubanga buli kisuubizo ekiri mu Kitabo
kyange,
Buli ssuula, buli katundu, n'olunyiriri.
Nneesiga Kigambo Kye eky'Obwakatonda,
Kubanga buli kisuubizo ekiri mu Kitabo
kyange.

⁷⁸ Ab'emikwano, ekyo mutegeera kye kitegeeza? Buli kisuubizo Katonda kye yasubiza Ibulayimu, buli kisuubizo bannabbi kye baayogera, buli kisuubizo Yesu Kristo kye yasubiza eri ekiseera kino, Ali wano okukikakasa n'okulaga nti Abeera mulamu emirembe gyonna. "Ezzadde Lyo lirirya omulyango gw'abalabe."

⁷⁹ Bw'otuuka mu kaseera ak'okufa. Oyinza okwebuuzza nti, "Ate ekyo kiri kitya?" Omulyango ogwo nagwo osobola okugulya nga Pawulo bwe yagamba. "Ggwe amagombe, obuwanguzi bwo buli ludda wa? Ggwe okufa, empiso yo eri luuyi wa? Naye yeebazibwe Katonda, Oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Muwanguzi oyo ow'Amaanyi, Yesu Kristo." O!

Leka Bamalayika bavunname;
Muleete engule ey'ekitiibwa,
Mumutikkire Mukama wa byonna.

⁸⁰ Akawungeezi ka leero, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, era, tukyamulaba, oyo Omuwanguzi Ow'amaanyi Eyayabuluzamu eggigi eryatwawulanga ku kisuubizo kya Katonda kyonna, era tuli bawanguzi n'okukirawo mu Ye. Leka tusabe.

⁸¹ Kitaffe ow'omu Ggulu, nga bwe tuyimiridde wano, akawungeezi kano, mu Kubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu, Omuntu oyo Yesu Kristo ow'ekitalo mu nkula ey'Omwoyo, Eyasubiza okukka ku Zzadde lya Ibulayimu, Ezzadde ery'olulyo Olulangira, tusaba, Ai Katonda, nti bwe wabaawo omusajja yenna oba omukazi, omulenzi oba omuwala, ali wano, atakumanyi, abuusabuusa era atawaanyizibwa mu birowoozo bye, ku bikwata ku Kigambo kya Katonda, nga yeebuuzza oba ge Mazima oba nedda, Ayi Katonda Ow'amaanyi, Eyakola ekisuubizo, jangu akawungeezi kano! Waliwo ekisuubizo ekimu eky'ekitalo kye Wakola, Ai Mukama, ekisuubizo ekyo Osobola okukituukiriza, Wagamba nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola; alikola n'egisinga ku gino, kubanga Ijenda eri Kitange." Kitaffe Katonda, tukusaba Okakase Ekigambo Kyo.

⁸² Waliwo bangi ku baana ba Ibulayimu abali wano akawungeezi kano, abalwadde. O, ssetaani yabaggalira; baggalirwa munda, ne banyoola ebisumuluzo ne babasibirayo, n'abagamba nti, "Kati oteekwa kufa; olina obulwadde bw'omutima. Olina *kino*, *kiri*, na *kiri*, era oteekwa okufa."

⁸³ Ai Katonda, tusaba ekkondeere lya jubireewo livuge, akawungeezi kano, ery'Enjiri, buli abadde mu buddu asobole

okuteebwa abeere wa ddembe! Emiryango egyo Yesu Kristo yagiwangula. Ebisumuluzo tubirina mu ngalo zaffe. O! “Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu. Bwe munaasaba Kitange ekintu kyonna mu Linnya Lyange, Nnaakikola. Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola. Ekigambo kya Katonda kyogi era kya maanyi nnyo okusinga ekitala eky’obwogi obubiri, kisala n’okwawula ne kyawula obusomyo, n’ebirowoozo by’omu mutima.”

⁸⁴ “Era nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu, kubanga baali balya, banywa, bawasa, bawayira; nga balina enteekateeka ez’okuzimba ez’ekitalo.” Era tulaba ebigenda mu maaso mu nsi, “Walibaawo obubonero, ebintu eby’entiisa mu ggulu waggulu (bino ebibuuka mu bbanga ebitegeerekeka), ebikankano mu bifo eby’enjawulo, okuwuuma kw’ennyanya (amayengo ag’amaanyi), emitima gy’abantu nga gitendewalirwa (olw’entiisa), obunkenke mu mawanga, ebiseera eby’okusoberwa.”

⁸⁵ “Era nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu.” Ai Katonda, jangu akawungeezi kano otuukirize Ekigambo Kyo, janga akawungeezi kano osseemu ekitiibwa okukkiriza kw’abaana ba Ibulayimu. Tukisabye okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

⁸⁶ Mukama abawe nnyo, omukisa. Sigenda kuyita baagala kulokoka mu kaseera kano. Njenda kukibalekera. Ndownooza nti, emirundi mingi, okuyita abaagala okulokoka... Nzikiririza wamu n’abakikola. “Naye bonna abaamusembeza, baabatizibwa.” Ky’ekyo, “Bonna abaamusembeza.” Tugenda kusabira abalwadde.

⁸⁷ Nsobola okwogera ekiro kyonna. Muli kibiina kirungi. Naye bye njogera biba bya muntu buntu; naye bwe njogera Ebigambo Bye, awo tebiba Bigambo byange, biba Bigambo Bye. Singa mbaako ne kye njogera, Katonda n’atakikakasa, kitegeeza kibadde kigambo kyange. Naye singa njogera Ekigambo Kye, n’Akinyweza, musajja ki oba mukazi ki, oba mulenzi ki oba muwala ki oyo omwonoonyi, asobola okutambula n’avaawo n’agamba nti Ekigambo ekyo si bwe kiri?

⁸⁸ Yesu, yagamba nti bwe Yakola ebintu bino, baagamba nti, “Ono Omusajja mulaguzi. Ssetaani!” Omulaguzi, buli muntu akimanyi bulungi nti okulagula kwa ssetaani. Yagamba nti, “Mulaguzi.” Naye mwali mulabye omulaguzi nga abuulira Enjiri? Mwali mulabye omulaguzi nga agoba emizimu? Nedda, n’akatono, tebakikola.

⁸⁹ Yabagamba nti, “Kati, Nze Omwana w’omuntu kino nja kukibasonyiwa. Naye Omwoyo Omutukuvu bw’alijja, okumwogerako obubi tekirisoniyibwa mu nsi eno ne mu nsi

egenda okujja, kubanga okwo kuba kuyita mulimu gwa Katonda mwoyo omubi.”

⁹⁰ Katonda atusaasire, akawungeezi kano, era nsaba nti Katonda akke wansi akakase Ekigambo kino mu maaso gammwe.

⁹¹ Muganda wange, mwannyinaze, kino kikwata ku mmeeme yange. Nnina okusisinkana Katonda. Nvunaanyizibwa ku bye mbagamba. Ndibyanukulira eri Katonda. Ekyo kituufu. Kingasa ki singa nnyimirira wano ne njogera ebintu bino nga nkimanyi bulungi nti nsalira mmeeme yange musango kugenda mu ggeyeena?

⁹² “Waliwo ekkubo erirabika nga eddungi eri omuntu, naye enkomerero yaalyo makubo ga kufa.” Katonda teyeetaaga mutaputa. Nga bwe ntera okugamba, Ye Yennyini ye yevvuunulira Ekigambo Kye.

⁹³ “Ezzadde lya Ibulayimu lirirya omulyango gw’omulabe.” Mukikkiriza?

⁹⁴ Ssinga mbadde nsobola okukuwonya, nandikikoze. Kristo yamala dda okukuwonya. Kimu kyokka, kwata ekisumuluzo mu mukono gwo. Ekisumuluzo ekyo kwe kukkiriza kwo, okwate okuwonyezebwa kwo. Kuggulewo, akawungeezi kano, tookikole? Nga bw’Ajja mu makkati gaffe, oyo Omuwanguzi ow’Amaanyi eyawangula buli ndwadde yonna, ajje wano akulage nti Yakikukolera, kubanga Akyali Kigambo. “Era Ekigambo kyawula ebirowoozo ebiri mu mutima.”

⁹⁵ Kaadi ki ey’abokusabirwa? B, emu okutuuka ku... Twatandikira ku mmeka, ekiro kya luli? [Waliwo addamu nti, “Emu.”—OmuK.] Leka tutandikire ku ataano. Ani alina kaadi y’ab’okusabirwa ewandiikiddwaako B, ataano? Yimusa omukono gwo. Kaadi y’ab’okusabirwa B. Twatandikira ku emu, ekiro kya luli, kati tugenda kutandikira ku ataano, akawungeezi ka leero.

⁹⁶ Ani alina B, B, ataano? Yimusa omukono gwo. Kaadi y’ab’okusabirwa B, ataano. Kye mugamba tewali agirina? Ogirina? Kale, B, ataano. B, ataano mu emu, eyo ani agirina? B, ataano mu emu, kale. B, ataano mu bbiri, ani alina B, ataano mu bbiri? Kale, ogirina. B, ataano mu ssatu, ataano mu nnya, mujje wano eno. Ataano mu nnya, ataano mu ttaano.

⁹⁷ Mutabani wange ajja wano, nga sinnatuuka, n’atabulatabula kaadi z’aba nazo. Era ndowooza mulabe gye ziri, emu eri *wano* endala *wali*? Tebamanya. Osobola okuyita mu lunyiriri *luno* n’ofunamu nnamba emu, oluddako n’ofunamu nnamba kkumi, ate oluddako n’ofunamu abiri mu ttaano. Naffe tuba tetumanyi we ziri, naye, wonna we ziba.

⁹⁸ Kati twakayita bameka? Bataano, bana? B, ataano. Tubadde ku B, ataano, si bwe kiri? [Waliwo addamu nti, “Weewaawo.”—

Omuk.] B, ataano okutuusa ku ataano mu ttaano. Ataano mu mukaaga, ataano mu musanvu, ataano mu munaana, ataano mu mwenda, nkaaga. Kati leka tulabe, omu, babiri. . . Babale, Billy, era tu. . . Nkaaga, nsanvu, linda basooke bayimirire, bw'oba osobola. B, ataano okutuusa ku nsanvu, nsanvu mu ttaano. Babale, Ow'oluganda Roy, bw'oba osobola okukikola, nga bwe njogera eri ekibiina.

⁹⁹ Bameka abali eyo kati nga otunudde erudda eno, naye nga tolina kaadi ya baakusabirwa?

¹⁰⁰ Mujjukire nti, Yesu yagamba nti, “Emirimu gye Nkola nammwe muligikola.” Ekyo kituufu? Ekyo kituufu. Mukikkiriza? Ezzadde lya Ibulayimu ligamba bwe kiri.

¹⁰¹ Bayibuli egamba, nti, “Ye Kabona Omukulu.” Abaebbuniya, essuula ey’o 4, “Ye Kabona Omukulu akwatibwako n’embeera y’obunafu bwaffe.” Mukikkiriza? Bw’Aba y’omu jjo, leero, n’emirembe gyonna, Yandikoze atya leero?

¹⁰² Waaliwo omukazi omu bambi, mu Bayibuli, nga bwe mwekaliriza bye njogera. Mukazi wattu, mu Bayibuli, oba oli awo teyalina kaadi ya baakusabirwa; naye yagamba mu mutima gwe nti, “Ssinga nfuna akakisa ne nkwata ku Musajja oyo, mmukkiriza.” Yali asaasaanyizza buli kamu ke yalina, eri abas- . . . mu basawo. Naye tebaasobola kumuyamba. Ensonga yali nzibu nnyo. Tebaasobola kumuyamba. Naye yali akkiriza nti Katonda asobola okumuyamba. Bw’atyo n’akwata ku mukugiro Gwe, ogw’ekyambalo Kye.

¹⁰³ N’agamba nti, “Mpulidde nga amaanyi ganvaamu.” Si bwe kyali?

¹⁰⁴ Mukkiriza nti y’omu, akawungeezi kano? Mukkiriza nti waali wano? Bameka abakkiriza nti Yazuukira okuva mu bafu? Kati muyinza mutya okukakasa nti Yazuukira okuva mu bafu?

¹⁰⁵ Gye buvuddeko, waliwo omusajja Omubaputisiti omututumufu eyajja gyendi, n’anjamba nti, “Ow’oluganda Branham, nnawangulwa—nnawangulwa, lumu, omusajja Omusiraamu bwe yanjamba ekintu ekyo. Yanjamba nti, ‘Bw’aba Yazuukira, Yasuubiza nti Ajja kukola ekintu kye kimu. Leka tumulabe nga akikola.’” Mukiraba, bo bakkiriza nti Teyazuukira.

¹⁰⁶ Naye ffe tukkiriza nti Akikola. Tukkiriza nti Yazuukira okuva mu bafu. Tewali ddiini ndala yonna mu nsi eyinza kukakasa nti omutandisi waayo mulamu, okuggyako Obukristaayo. Era engeri yokka Katonda gy’asobola okukikakasa, kwe kuyita mu abo abakikkiriza, kubanga eyo y’engeri yokka Katonda gy’akolamu Ebigambo Bye, abikola kuyita mu abo abakikkiriza.

107 Kaakati nga bwe bategeka olunyiriri lw'ab'okusabirwa luno wano, simanyi bameka be tunaasobola okutuukako, njagala buli omu ku mmwe, obeere mu kifo kyo, sigala mu kifo kyo, totambulatambula, tunula erudda eno osabe, ogambe nti, "Ayi Mukama Yesu, nzikiriza."

108 Mujjukira, Yanjamba nti, "Bw'onaaleetera abantu okukukkiriza; era n'obeera mwesimbu mu kusaba kwo." Ekyo bwe kityo bwe kibadde okwetooloola eggwanga lino lyonna, emirundi n'emirundi, okumala emyaka kkumi n'etaano, tewali mulundi n'ogumu lwe kyali kiremereddwa. tekiyinza kulemererwa.

109 Katonda, ekintu kiri kimu Katonda ky'atasobola kukola, kwe kulemererwa. Ateekwa okukuuma Ekigambo Kye. Ekyo nkikkiriza. Ekyo nkikkiriza nga bwe...n'okusinga bwe nzikiriza nti nnyimiridde wano, okusinga bwe nzikiriza nti ndi mu kizimbe kino; kino kisobola okuba ekiyenzeyenze, kisobola okuba ekirooto. Mu mmeeme yange, nkimanyi nti Yesu Kristo Omwana wa Katonda mulamu. Nammwe nga bwe muli Ezzadde lya Ibulayimu, nga bwe mwafiira mu Kristo, muli Zzadde lya Ibulayimu.

110 Kati wano balinawo obutambaala. Kino kivuddemu obuwanguzi obw'amaanyi, eri abo abakikkirizaamu. Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, nga bwe beeteekateeka, tusabire obutambaala buno.

111 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuyigirizibwa mu Bayibuli, era wano waliwo abantu abakkiriza buli Kigambo kye wayogera okuba nti ge Mazima. Mukama, oluusi bakikiitana ne bagoonakoona awagenda ekisumuluzo, nga bakozesa ekisumuluzo, ne batayinza kukiyingizaamu, ne bakalabulawo, naye bakkiriza nti weekiri. Naye ka bagende mu maaso nga bagoonakoona, bajja kukizuula, kubanga weekiri. Era ekisumuluzo ekyo ky'ekisumuluzo ekituufu nti, "Bw'oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika." Nga oluyimba bwe luyimbibwa kaakano, manya nga bwe lukubibwa.

112 Mu Bayibuli wagamba nti, "Baatwalanga obutambaala n'ebirembe okuva ku mubiri gwa Pawulo, ne babiweereza eri abalwadde n'abanyigirizibwa, era emyoyo emibi ne giva ku bantu, ne bawonyezebwa."

113 Kati, Mukama, tumanyi nti Omutukuvu Pawulo ali Naawe. Naye, teyali ye; yali Ggwe, ayi Mukama, Kristo mu ye. Yagamba nti, "Ssi nze mulamu, wabula Kristo ye mulamu mu nze."

114 Era kati n'eri omulembe guno, Okyali Kristo, ne leero, nga bwe wabadde jjo. Era nga bwe nsabira obutambaala buno, nga mbukwatako, nkusaba Owangule buli mulabe. Bawe okukkiriza, basobole okutegeera nti omulabe yawangulwa.

115 Era lumu, Ennyanja Emmyufu, nga bwe twakamala okukyogerako, yali esazeeko Isiraeri obutatuuka ku kisuubizo,

ate nga baali ku mulimu. Era omuwandiisi omu yagamba nti, “Katonda yatunula wansi n’amaaso agajjudde obukambwe, okuyita mu Mpagi y’Omuliyo eyo, ennyanja n’etya n’eggulawo emiryango gyayo, ne basomoka.”

116 Tunula wansi, akawungeezi kano, okuyita mu Musaayi gwa Yesu Kristo. Era tusaba, nti obutambaala buno bwe bunaatekebwa ku balwadde, leka omulabe alabe okukkiriza kwaffe, akawungeezi kano, nga bwe tubasabira essaala eno ey’okukkiriza. Era leka buli omu ku bo asumululwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

117 Kaakati njagala mumpulirize bulungi. Yenna akola ku kazindaalo kano, kyandimwetaagisa okukongezaako. Kubanga, kino Omwoyo Omutukuvu akikola...Ssigamba nti Ajja kukikola.

118 Kati singa omuntu yenna ajja wano n’abagamba mbu alina amaanyi okuwonya abalwadde, temugeza ne mukikiriza. Amaanyi gonna gali mu Kristo. Ye Muwanguzi, so si ggwe nange. Ffe tukkiriza bukkiriza Ye kye yakola. Tewali muntu alina maanyi kulokola oba okuwonya.

119 Buli muntu yenna ali mu nsi, omuwendo gwaggwa okusasulwa. Ekyetaagisa kyasasulwa. Kyakolebwa kitya? “Yafumitibwa olw’okusobya kwaffe, olw’emiggo Gye twawonyezebwa.” Okuwonyezebwa kwo—kwo kwasasulirwa. Obulokozi bwo kwasasulirwa. Olina okukkiriza okujja, obifune? Kye kyokka. Bw’oba oli Zzadde lya Ibulayimu, okulina. Katonda yakisuubiza. Munda mu ggwe mulimu ekigamba nti mwekuli, era mwekuli.

120 Kati ekirabo kye kiki? Ekirabo kwe kugenda n’owonya abantu? Nedda. Ekirabo ye ggwe okweggya mu kkubo, Katonda n’aba nga asobola okukukozesa.

121 Kati Yasuubiza nti, akabonero akasembayo, okusinziira ku Yesu Kristo, “Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kyali kinaatera okwokebwa.” Si nga ebintu ebirala tebinnabaawo, Lutti yabuulira Enjiri, n’ebirala ebyakolebwa; si ebyo. Naye nga kinaatera okwokebwa, Katonda yakka wansi mu kifaananyi eky’omuntu, n’atuula n’Ekkansa ey’abalonde, Ibulayimu n’ekibinja kye, abaalina ekisuubizo.

122 Kati mujjukire nti, kino Ezzadde lya Ibulayimu bokka be bakisembeza. “Esigadde ekiseera kitono ensi obutandaba nate,” Yesu bw’atyo bwe yagamba. “Mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y’ensi.”

123 Naye Yasuubiza, nti bw’Aliba anaatera okudda, “Nga bwe kyali mu Sodoma,” mulabe Sodoma ky’efuna; mulabe n’Ekkansa y’abalonde ky’efuna, n’agamba nti, “bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw’Omwana w’omuntu.” Katonda yalabisibwa mu kifaananyi eky’omuntu, nti ne bwe Yakuba

weema omugongo, yabuulira Saala kye yakolera munda mu weema mwe yali. Buli akimanyi nti ago ge Mazima, yimusa emikono gyo. Ddala bwe kiri. Kati ekyo Yakisuubiza. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Kati mujjukire, nti ekyo ky'ekintu ekyasembayo okubaawo; oluvannyuma ensi y'abamawanga n'eyokebwa, Sodoma, n'omwana eyasuubizibwa n'ajja. Tulindiridde Omwana eyasuubizibwa, Omwana wa Katonda.

¹²⁴ Tuutuno wano. Nsaba Katonda azibule amaaso gammwe. Ssimanyi kirala kya kwogera. Nsaba Azibule amaaso gammwe.

¹²⁵ Kaakano Kitaffe ow'omu Ggulu, sirina kye nnyinza ku bwange, ndi kitole kya bbumba kye Wabumba awamu, n'oteeka awo. Ayi Katonda, nsaba, akawungeezi kano, nfune ekisa n'Okubeerawo Kwo, Okkirize okukozesa obutole bw'ebbumba buno bwe Wateeka muno. Nti abo, ayi Mukama, be Wayita okujja eri Obulamu Obutaggwaawo, naye nga oba oli awo tebannabukkiriza, nsaba balabe ebisuubizo bino. Ob'olyawo baayigirizibwa nti kyali kya mulembe mulala, naye kiikino wano mu Bayibuli. Kikakase, ayi Mukama. Bw'Otyo bw'Ovвуunula Ebibyo. Tewali kisinga ku ekyo. Bw'Onaakikola bw'otyo, bajja kukiraba nti Ekigambo kituufu. Kituwe, ayi Kitaffe. Twewaayo gy'Oli.

¹²⁶ Leka buli muntu yenna ali munda wano, ayi Mukama, akozese okukkiriza kwe, akawungeezi kano. Leka buli mmemba yenna ow'Ekika kya Ibulayimu, okuyita mu Yesu Kristo, abeere n'okukkiriza, akawungeezi kano, akkirize Okubeerawo Kwo. Era tunaakutendereza. Amiina.

¹²⁷ Kati, kino kye kise-...Kati kino si kya bulijjo. Kati njagala munnyambe, munsabire. Mutuule musiriikirire, temutambulatambula. Mukkalire, musabe.

¹²⁸ Kati, mulabeeyo, kikyuse okuva mu kubuulira enjiri, okudda mu kuwulira emirembe mu ngeri ey'Omwoyo wa Katonda w'asobola okukutwalira ddala mu bujjuvu mu mutendera omulala.

¹²⁹ Kati wano waliwo omuto ono...Semberako wano katonu, nnyabo. N'era...Awo wamala, nneme kuva wali kazindaalo kano. Mulaba, simaanyi kibaawo, mukiraba, ate ebiseera ebimu, omanyi...Kati engeri yokka gye mmanyi, kiri—kiri ku kazindaalo, mukiraba, era bagezaako okubikwata erudda wali, naye simanyi kwe kiva.

¹³⁰ Kati ffembi tetumanyiganye. Ssikumanyi, ssikulabangako mu bulamu bwange. Naye oli muto ku nze. Era oba oli awo twazaalibwa mu bitundu ebyesudde mayiro nnyingi okuva buli omu we yazaalibwa, wamu n'emyaka. Guno gwe mulundi gwaffe ogusoose okusisinkana. Bwe kiri? Bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo ekibiina kisobole okukulaba. Kati, mukazi bukazi ayimiridde wano.

131 Mulabeeyo, mukizzeeyo mu Byawandiikibwa. Leka tutwale enjiri y'Omutukuvu Yokaana 4. Buli omu kisome bw'onaaba ozzeeyo eka. Sigamba nti—sigamba nti omukazi ono agwa mu ttuluba lye limu nga omukazi oli; ekyo sikimanyi. Era mukimanyi nti nange si nze Yesu Kristo. Naye Ali wano. Ye Ye. Kati Omwoyo We nga atufuseeko amafuta, asobola okubikkula obuzibu bwe, nga bwe Yakola eri omukazi eyali ku luzzi. Ekintu kye kimu.

132 Era, ku ekyo, bakabona n'abakulembeze b'ekiseera ekyo, gye baagambira nti, "Omusajja ono mulaguzi, oba ssetaani, Beeruzebuli."

133 Omukazi ono ye yagamba kimu nti, "Ssebo, ndaba nga Oli nnabbi. Tumanyi nga Masiya alijja, era ako ke kaliba akabonero Ke kwe tumulabira."

134 Kati, ekyo bameka abakimanyi nti kituufu? Kati, bw'Aba y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, ako tekaabeere kabonero Ke kwe tumulabira akawungeezi ka leero? Yasuubiza nti bwe kityo bwe kiriba, nga enkomerero tennabaawo? Kati nno mulabe oba nga Akuuma ekisuubizo Kye eri Ezzadde lya Ibulayimu.

135 Kati wano bwe wabaawo omuntu yenna alowooza nti kikyamu, naawe jangu wano okole ekintu kye kimu. Bwe kitaba bwe kityo, sirika tobaako na ky'okyogerako. Akakisa okalina.

136 Kati, mu Linnya lya Kristo, mpamba buli mwoyo nga nguteeka mu bufuge bwange, olw'ekitiibwa kya Katonda.

137 Njenda kwogerako naawe, okumala akaseera, nnyabo. Omanyi, ne Mukama waffe yayogerako n'omukazi oli eyali ku luzzi. Yamugamba nti, "Mpa ku mazzi." Yali akola ki?

138 Kati mulabeeyo, Yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5 nti, "Ddala, ddala, Mbagamba nti, Omwana," eyali Ye, omubiri, "sirina kye nnyinza kukola nga Nze," okuggyako by'Alaba Kitaawe nga akola. "Kitaffe ky'akola, Akiraga Omwana. Mukiraba, Ssirina kye nnyinza kukola nga Nze, wabula kye Ndaba Kitange nga akola." Kitegeeza, Yesu teyakola kyamagero n'ekimu okutuusa nga Katonda asoose kukumulaga okuyita mu kwolesebwa; teyamugamba mu kutu Kwe, wabula yamulaga. "Kye Ndaba," si kye mpulira, "kye Ndaba Kitange nga akola." Ekyo kye kyamufuula Nnabbi afaanana nga Musa, nga Musa bwe yagamba. Kaakati bwe Ya—Yali amanyi Kitaawe... Yali ali...

139 Yali agenda Yeriko, naye kyamugwanira okuyitira e Samaliya, wuuyo n'Agguka mu kibuga ky'e Sukali. Era kati mulaba, Abasamaliya baali balindirira Masiya.

140 Abayudaaya baali bakinoonya, n'Abalaga akabonero Ke. Firipo, Nassanayiri, Peetero, akabonero ako olwali okukalabako, baagambirawo nti, "Oli Mwana wa Katonda."

Labbi ye n'agamba nti, "Omusajja ono Beeruzebuli."

141 Naye kati mujjukire nti, Ab'amawanga, ffe, ffe twali Abangereza, ffe—twali tetulindirira Masiya. Ffe twali bakaafiiri, Abaruumi, n'abalala bonna. Twali tetulindirira Masiya. Ajja eri abo bokka abamulindiridde.

142 Naye Abasamaliya bo baali bamulindiridde, n'olwekyo Yalina okuyitako ewaabwe, e Samaliya. N'atuula wansi ku luzzi. Ne wajja omukyala omuto mu myaka, oba oli awo bwe mwenkanya emyaka, n'ajja. Yali mukazi mwonoonefu. Ndowooza, wali omusomyeko. Kye yava Amugamba nti, "Nyabo, mpa ku mazzi nnywe."

143 Omukazi n'amugamba nti, "Ha, tekikkirizibwa mu buwangwa, Ggwe Omuyudaaya, okusaba Omusamaliya ekintu bwe kityo."

144 N'amugamba nti, "Naye singa obadde omanyi Ani gw'oyogera naye, ggwe wandisabye Nze amazzi."

145 Embooji n'agenda mu maaso. Ku nkomerero ya byonna, n'Azuula ekyali kimutawaanya. Mujjukira kye kyali? Yalina abasajja bangi nnyo. Kye yava amugamba nti, "Genda okime balo, mujje wano."

N'agamba nti, "Ssirina baze."

146 N'amugamba nti, "Oyogedde bulungi," n'agamba nti, "kubanga waakabeera na bataano, ne gw'oli naye kati si wuwo."

147 Omukazi kye yava agamba nti, "Ssebo, ndaba nga Oli nnabbi. Tumanyi nti Masiya alijja, era Alitubuulira ebintu bino."

N'alyoka Amugamba nti, "Nze Nzuuyo."

148 N'aleka awo ensuwa ye ey'amazzi, n'adduka n'agenda mu kibuga, n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja ambuulidde bye nnakola. Ono teyandiba nga ye Masiya?" Baali bamaze ebikumi n'ebikumi by'emyaka nga tebalina nnabbi. Kyokka ne wajja Omusajja eyali agamba nti ye Masiya, era n'akakasa nga bwali—bwali nnabbi, n'ayolesa akabonero ka Masiya.

149 Naawe kinaakuleetera okukkiriza ekintu kye kimu, singa Akola ekintu kye kimu, nga bw'Ali nti y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era nga yasubiza okuyita mu Byawandiikibwa bino nti Ajja kukikola?

Kinaaleetera ekibiina okukkiriza?

150 Otawaanyizibwa obulwadde bw'ensigo. Ekyo bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo.

151 Ekyo lwaki bulijjo kiba kiyita mu maaso gange? Waliwo omuntu agamba mbu, "Ekyo ateeberezza kiteebereze." Siteeberezza kiteebereze.

152 Wuuno wano, mukyala alabika bulungi talina buzibu bwonna. Onzikiriza? Kati okimanyi nti ekyo siteeberezza kiteebereze. Leka mbeeko ekirala kye njogera. Oli wamu

n'omwami wo. Era, naye mulwadde. Si bwe kiri? Alina ekizibu ku nkizi. Ekyo kituufu. Si bwe kiri? Olina n'akalenzi akato. Nako, kalwadde. Oyagala kasabirwe. Kalina obuzibu ku maaso. Bwe kiri. Olina n'akawala akato, nako kalina obulwadde bw'ensigo, nga ggwe. Si bwe kiri? Kati mwenna musobola okuwonyezebwa, bwe muba musobola okukkiriza. Okikkiriza? Katonda akuwe omukisa. Genda makubo go owonyezebwe.

¹⁵³ Mukkiriza? Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kiki? Kiki ky'Agezaako okukola? Eri mmwe, Ezzadde lya Ibulayimu, Abalaga nti si mufu. Ebintu ebyo sisobola kubikola. Ssi mufu. Naye Mulamu, akulaga nti olina obuyinza okulya emiryango gy'omulabe wo. Ekyo kisaanye okukigonjoola.

¹⁵⁴ Omukyala ono, jangu erudda wano eno, katonu. Ndownooza, tuli awo, mu myaka gye gimu. Naye tu—tetumanyiganye, okusenziira ku bwe mmanyi. Ssikumanyi, era tetumanyiganye. Ssirina kye nkumanyiiko. Bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo, mukiraba. [Mwannyinaffe addamu nti, "Ekyo kituufu."—Omuk.] Batono abaafunye kaadi y'ab'okusabirwa, era kati otuuse wano. Kale. Kati ssinga Mukama waffe Yesu. . .

¹⁵⁵ Singa, oba oli awo, ka tugeze ngezaako okutwala ekifo ky'Ow'oluganda Oral Roberts, oba omu ku basajja abo ab'amaanyi ab'okukkiriza, nandikubuuzizza nti, "Nnyabo, kiki ekikutawaanya?"

¹⁵⁶ Wandigambye nti, "Kale, nnina ekizibu *bwe kiti*." Kati, ayinza obutaba mutuufu. Okiraba? Ssimanyi. Okiraba? Naye, ye, oyinza okumubuulira ekitali kituufu.

¹⁵⁷ N'akussaako emikono, n'agambe nti, "Katonda yantuma o—okusabira abalwadde. Ekyo okikkiriza?" "Weewaawo." "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Genda, okikkirize."

¹⁵⁸ Tekirina buzibu. Tekirina buzibu. Katonda yakisuubiza. Naye, mulaba, tweyongerako mu maaso okusingako awo mu—mu lunaku olulala okusinga ku ekyo. Yesu yasuuubiza nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma. Emirimu gye Nkola nammwe muligikola."

¹⁵⁹ Kaakati, ssinga Katonda ambuulira kye wali, ggwe okimanyi oba kituufu oba nedda, Asobola okukubuulira ky'olibeeera, era kiri bwe kiba nga kituufu, na kino, kijja kuba kituufu.

¹⁶⁰ Bw'Akubuulira, kyonna ky'anaakubuulira, ssimanyi, naye ssinga Ambuulira obuzibu bwo kye buli, nammwe, abali mu kibiina, munaakikkiriza?

¹⁶¹ Mu butuufu nsaanye ndekere awo. Ekyo ekibaddewo, eky'omuntu oyo eyaakava wano, ekyo kisaanye okukikakasa. Yesu yakikola omulundi gumu. Teyaddamu kukikola mulundi mulala gwonna. Buli muntu yenna mu Sukali yakikkiriza, yakkiriza obujulizi bw'omukazi, bwe yajja, n'abagamba, ate nga yali mukazi mwonoonefu. Omukristaayo yaakava

ku kituuti, nga mwenna mulaba! Amiina. Naye nga bwe kiri nti obudde buyise okusinga bwe tulowooza, tusaba Mukama ayongere okweyoleka, oyo Omuwanguzi Ow'amaanyi, Ezzadde lya Ibulayimu lisobole oku. . . Naye okufaanako ne Ibulayimu, Yakikolera Ibulayimu, omulundi gumu; bwe yamala n'akizikiriza, ate n'addamu n'akikola. Ibulayimu yeeyongerera okukkiriza Katonda.

¹⁶² Toli wano ku lulwo. Oli wano ku lwa muntu mulala, era omuntu oyo mukyala. Muganda wo. Era omukyala oyo aliko ekisiikiriza ky'okufa. Era alina obulwadde bwa—bwa sukaali. Era si wa mu kitundu kino. Ava mu. . . Ava mu Louisiana, mu kitundu eky'olutobazzi. Ekyo. . . N'ekirala kiikino, ekibiina kisobole okukitegeera. Olina omwana ow'obuwala omulwadde ennyo, eyeeteekateeka okujja mu lukunjaana luno, omulwadde w'ensimbu. Ekyo kituufu. Ekyo kituufu. Ssi bwe kiri? Kati okkiriza? [Mwanyinaffe addamu nti, "Weewaawo. Amiina."—Omuk.] Bw'oba oli Zzadde lya Ibulayimu, kikkirize ofulume ogende, era owonyezebwe mu Linnya lya Yesu Kristo.

¹⁶³ Mukkiriza? Mazima ddala. Mujjukire, nti kisuubizo Kye. Yagamba nti Alikikola. Akuuma ekisuubizo Kye.

¹⁶⁴ Oli otya? Tetumanyiganye. Ssikumanyi. Naye Katonda akumanyi. Okkiriza nti ssinga Katonda asobola okumbikkulira ekikutawaanya, kati okimanyi nti kiba kirina kuba nga kivudde eri maanyi ag'omwoyo ag'enjawulo. Kati, waliwo ebintu bibiri byokka gye kisobola okuva, by'osobola okulowoozaako. Bwe kikolebwa, toyinza kukinnyonnyola, kubanga si kya bulijjo. Ate, era, kiba kikuuno; kiba kintu, weewaawo, ekitakkirizika, naye ate nga kituufu. Kiba kikuuno. Era kati ggwe obeera okimanyi, oba kituufu oba si kituufu, ojja kukimanya oba nga Akugambye mazima.

¹⁶⁵ Kaakati, jjukira, nze sikumanyi. Alina kuba Muntu mulala atali nze. Bw'okola nga Abafalisaayo, n'ogamba nti, "Ha, ogwo mwoyo omubi," eyo y'empeera gy'obeera ojja okufuna. Bw'okkiriza nti ye Kristo, ojja kufuna empeera Ye. Ensonga lwaki osobola okukikiriza, eri nti Yakisuubiza okubaawo mu mulembe guno, era kibadde tekibangawo okutuusa mu mulembe guno. Ekyo kikifuula ekiseera eky'enkomerero.

¹⁶⁶ Waliwo omuntu alabika mu maaso go, buli kiseera. Musajja, alina envi. Ye balo. Atudde awo wennyini. Agezaako okukkiriza okuwonyezebwa kwe, aliko ekisiikirize kya kookolo, ekizimba, kya kookolo. Ggwe olina obulwadde bw'ensigo, n'obulwadde bw'akawago. Ye mmwe Omw. n'Omuky. Little. Si bwe kiri? [Mwanyinaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kkiriza n'omutima gwo gwonna, era owonyezebwe.

¹⁶⁷ "Ogambye erinnya lye, amannya gaabwe?" Weewaawo, mazima ddala. Yesu teyagamba Peetero nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni, mutabani wa Yona"?

168 Wano waliwo omusajja. Ssebo, ffembi tetumanyiganye. Sikumanyi. Naye oli musajja, okufaananako ne—ne Peetero bwe yajja eri Mukama waffe Yesu, naffe tusinganye. Onzikiriza okuba omuweereza We? Okkiriza nti bye njogedde ge mazima? [Ow’oluganda addamu nti, “Yee, ssebo. Nzikiriza, ssebo.”—Omuk.] Bw’oba osobola okukikiriza! Nze, singa wabaddewo ekintu kyonna kye nsobola okukukolera, nnandikikoze, naye tewali kye nnyinza kukola. Yamala dda okukikola; nnina kukuyamba kukikiriza kye kyokka. Era, olaba, tayinza kuba nze. Singa abadde nze, nna—nnandikukoledde kyonna kye nsobola. Naye Yampa ekirabo, era mpummula buwummuzi mu maaso Ge, olwo Ye n’ayogera. Ekyo okikiriza? [“Weewaawo.”]

169 Ekyo mukikiriza, abali mu kibiina?

170 Nnayagadde okuzuula omusajja. Olina ebikutawaanya ebiwerako. Naye ekimu ku byo kiri nti, olina akazimba ku liiso lyo erya ddyo. Ekyo kye kisinga okukutawaanya mu byonna. Ekirala kiikino, waliwo omukazi gwe ndaba alabika wano. Mukyala wo. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekitawaanya mukyala wo wano? Ekimutawaanya kiri mu kamwa ke. Mannyo ge gamutawaanya. Ekyo kituufu. Okkiriza nti Yesu y’omu, Eyategeera erinnya lya Simooni Peetero, naawe asobola okumbuulira erinnya lyo? [Ow’oluganda addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Kinaakuleetera okweyongera okukikiriza? [“Yee, ssebo.”] Kinaakikola? [“Weewaawo.”] Oscar Barnes. [“Bwe kiri.”] Si bwe kiri? Weddireyo eka, owonyezebwe.

171 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]...nze naawe tetumanyiganye. Ssikumanyi, naye Katonda akumanyi. Okkiriza nti Asobola okumbuulira ekikutawaanya? Onaakikiriza n’omutima gwo gwonna? Ekikutawaanya kiri mu mumiro gwo, ne wano eno mu kifuba kyo. Ggu—ggumba lye lyavunda. Ogenda ofuna obuzimba, bulinga, n’obututtwa munda mu ggumba. Ekyo kituufu. Tobeera wano. Ova mu—mu kibuga ekyetoolooddwa emisiri gy’emicungwa. Kiri mu kiwonvu, kyebulunguluddwa ensozi emabega waakyo. Waliyo wooteeri eyitibwa Antlers. Kiyitibwa San Bernardino. Eyo gy’obeera. Ddayo, Yesu Kristo akuwonyezza, bw’onaakikiriza.

172 Waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okuwonya kookolo, ye Katonda. Okkiriza nti Anaakuwonya? [Ow’oluganda addamu nti, “Weewaawo nzikiriza.”—Omuk.] Kikkirize! Genda, era Mukama Katonda akuwonyeze ddala wenna.

173 Gye buvuddeko obadde mweralii-. . .mweraliikirivu nnyo, nga osobeddwa. Olw’okweraliikirira kuno, kireetedde olubuto lwo okufuna obuzibu. Terusobola kugoya mmere gy’omira; lugikomiyawo mu kamwa. Akamwa ko ne kajjula asidi. Bwe butuuka olw’eggulo ennyo, owulira nga wenna okooye ebitagambika n’embeera endala. Olina amabwa agasajjuse mu lubuto lwo. Okkiriza nti ebyo Yesu Kristo y’asobola

okubikubuulira? [Mwannyinaffe addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Kati, genda weeliire ekyeggulo kyo. Kkiriza n’omutima gwo gwonna, Yesu Kristo akuwonyezza.

174 Oli otya? Olina bingi ebikutawaanya. Naye ekimu ku by’otya, obulwadde bw’ennyingo bugenda kukuleetera okulemala. Naye okkiriza nti Katonda anaakuwonya, akuwonye endwadde eyo? [Mwannyinaffe addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.]

175 Mukama Yesu, nkusaba mwanynaze okimukolere. Zibula amaaso ge. Muwonye obulwadde bw’ekikyala, omuwonye n’okulumizibwa ennyingo, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

176 Genda kaakano, nga okkiriza. Ajja kukikola, era bijja kuba bulungi. Tobuusabuusa, genda bugenzi mu maaso, era okkirize n’omutima gwo gwonna.

177 Obulwadde bw’omutima kintu kibi nnyo, naye Kristo awonya omutima. Ekyo okikkiriza? [Mwannyinaffe addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Genda, okikkirize, era kijja kukolebwa. Kiwedde.

178 Okkiriza nti ogenda kulemala? Nedda, nange, sikikkiriza. Nze ndowooza nti nnyingo ze zikuluma; ate ekisiikirize ekyo, ha, oyo kookolo. Okkiriza nti Anaamuwonya? [Mwannyinaffe addamu nti, “Weewaawo, nzikiriza.”—Omuk.] Genda, okikkirize. Ajja kukuwonya.

179 Kimaze akabanga nga kikutawanya, okuzibikira mu mutima. Naye okkiriza nti kigenda kukoma, akawungeezi kano? Genda, okikkirize, Yesu Kristo akuwonyezza.

180 Obadde n’obuzibu, mu mbeera z’ekikyala, okumala ebbanga ddene. Era ofuna, ofuna, okukalubirirwa okugolokoka ku makya. Owulira nga okakanyadde, mu magulu n’emikono. Kyenkana tosobola na kutambula, okutuusa nga mu makkati, g’olunaku. Obwo bulwadde bwa nnyingo. Genda, tobuusabuusa, tekigenda kuddamu kukubaako. Kikkirize bukkiriza, n’omutima gwo gwonna.

181 Olina ebikutawaanya bingi, obuzibu bungi. Naye ekintu ekisinga okukutawaanya ennyo, naawe olowooza ku bulwadde bw’ennyingo, ate nga ddala bwe bukuluma, olowooza bugenda kukulemaza. Okkiriza nti Anaakuwonya n’oba bulungi? [Mwannyinaffe addamu nti, “Yee, ssebo.”—Omuk.] Genda, okikkirize n’omutima gwo gwonna, Yesu Kristo ajja kukuwonya.

182 Weeraliikirira, era olina n’obulwadde bw’ennyingo, naye okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Okikkiriza? Genda, era leka Mukama waffe Yesu akuwonye.

183 Olubuto olwo lukutawanyizza nnyo okumala emyaka emitono egyakayita, si bwe kiri? Terugenda kuddamu kukutawanya. Genda, okikkirize. Katonda akuwe omukisa. Wonyezebwa.

184 Naawe, osobola okuwonyezebwa, olubuto lwo luwonyezeddwa. Genda, kkiriza n'omutima gwo gwonna. Tobuusabuusa.

185 Ozibuwalirwa mu kussa, asima oyo akuyisa bubi nnyo, si bwe kiri? Okkiriza nti kati kigenda kukolebwa? [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo."—Omul.] Kale, genda okikkirize. Amiina.

186 Aleruuya! Okkiriza n'omutima gwo gwonna?

187 Mulindeeko katonu. Temulaba Kitangaala ekyo awo? Waliwo omukyala omuddugavu antunuulidde, atudde wano wennyini, alina ekizimba ku ludda olwa kkono. Atawanyizibwa obulwadde bw'ensigo, ze zimutawaanya. Obadde n'okukkiriza kungi. Teweetaaga kujja wano. Kiwedde. Kikkirize bukkiriza. Amiina. Beera n'okukkiriza mu Katonda!

Ekyo mukikkiriza?

188 Okkiriza, mwannyinaze, nti enkizi eyo ekuluma egenda kuwona, ggwe atudde awo? Okkiriza nti Agenda kukuwonya? Kale. Tokibusabuusa, era ojja kukifuna singa onaakikkiriza.

189 Omusajja ono atudde wano, antunuulidde, alina obuzibu ku kawago, ekimuviirako okugolokoka emirundi emingi ekiro wamu n'ebintu ebiringa ebyo. Okkiriza, ssebo? Kati awo, kigenda kukoma, bw'oba okikkiriza.

190 Wano waliwo omusajja omuddugavu atudde erudda wano, antunuulidde. Alina obulwadde bw'ensimbu. N'ekirala anoonya kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Yimirira ku bigere byo, ssebo, kkiriza okuwonyezebwa kwo. Nsaba Katonda akuwe okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Amiina.

191 Waliwo omwana atudde awo, okumpi ne w'otudde, naye alina obulwadde bw'ensimbu, emukuba wansi n'aba nga azirise, atudde ludda awo, ku ludda luli. Okkiriza nti omwana oyo, Katonda anaamuwonya? Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Kale omwana Katonda ajja kumuwonya.


192 Mukkiriza, buli omu ku mmwe? Ddala si—si Ye—si Ye Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo Olulangira? Si Ye Muwanguzi ow'Amaanyi? Yasuubizaako nti olirya emiryango gy'omulabe?

193 Bameka ku mmwe abasibiddwa, nga muwulira okunyigirizibwa okuva eri omulabe? Muyimuse emikono gyammwe, mmwe abawulira okunyigirizibwa okuva eri omulabe, ate nga muli Zzadde lya Ibulayimu, muyimuse emikono gyammwe *bwe muti*. Nga ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, ntawaanyizibwa ekizibu ky'okweraliikirira." Ha, kyenkana ebitundu nga kinaana ku kikumi balina ekizibu ekyo. Nga ogamba, nze...Kati waliwo olufu lungi nnyo, ekibiina kyonna kiringa ekikutte olufu olw'amaanyi, kijula kunziba maaso, eyo gye muli.

¹⁹⁴ Temukiraba, nti wano wabaddewo, kyenkana abantu nga amakumi abiri oba asatu, abalwadde, oba n'okusingawo, wano wennyini ku kituuti kino n'abalala eyo mu kibiina, abakakasizza nti Katonda talemererwa? Ye Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo mukikiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omu.] Olwo lwaki, buli Zzadde lya Ibulayimu, lwaki temukwata ekisumuluzo mu kaseera kano? Omuwanguzi ow'amaanyi, eyakibawangulira, ali wano. Akakasizza nti ali wano. Mumukkiriza?

¹⁹⁵ Kati nno kwata ekisumuluzo kyo eky'okukkiriza, oyimuse emikono gyo, ogambe nti, "Yesu Kristo, nzikiriza okuwonyezebwa kwange, mu kaseera kano kennyini." Muyimirire ku bigere byammwe. Muyimuse emikono gyammwe, musumulule okukkiriza kwammwe kati. "Nzikiriza, ayi Mukama Yesu. Nzikiriza mu kaseera kano kennyini."

¹⁹⁶ Kati mwenna buli omu teeka emikono gyo ku munno. Buli omu teeka emikono gyo ku munno, Ezzadde ya Ibulayimu eddala. Kati sabira omuntu oyo. Muteekeko emikono. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga."

¹⁹⁷ Sitaani, owanguddwa olutalo. Mu Linnya lya Yesu Kristo, fuluma ove wano, era leka abantu bano babeere ba ddembe, olw'ekitiibwa kya Katonda. 

64-0207 Omukadde Ibulayimu
mu Kern County Fairgrounds
e Bakersfield, California Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikikirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org